# Ab'e Mayuge bafunye ambyulensi

Bya DAVID KIBUUKA

OMUTEESITEESI omukulu mu minisitule y'ebyobulamu, Dr. Diana Atwiine, alambudde eddwaaliro lya Mayuge Health Centre IV n'abawa ambyulensi empya ttuku.

Yawuniikiridde olw'embeera gye yasanze mu ddwaaliro lino ng'abalwadde abamu bali mu nkuubo. Atwala ebyobulamu e Mayuge, Asuman Basembeza yamuloopedde okusoomoozebwa amalwaliro kwe gayitamu, omuli omujjuzo n'ebirala.

Basembeza yagambye nti, waliwo obwetaavu obw'okusuumuusa amalwaliro e Mayuge gasobole okufuna ebyetaagisa mu kutuusa obuweereza obulungi.

Dr. Atwiine yagumizza ab'e Mayuge nti, amalwaliro agali ku mutendera ogwa Health Centre IV gaakutandika kuyitibwa Community Hospitals era bagenda kugongera abasawo olwo buli ddwaaliro libeemu abasawo 13 - 15. Yasuubizza n'okuzimba ebizimbe ebipya ku malwaliro g'e Mayuge.

Yalabudde abasawo, abeebulankanya ku mirimu nti, eyabaalulula esiridde.

Akulira abakozi mu disitulikiti y'e Mayuge, Abdul Batambuze yeebazizza Atwiine olw'okubawa 'ambyulensi' n'amusaba okukola ku bibaluma ebirala.

DAVID KIBUUKA



Minisita Atwiine ku ambyulensi gye yawadde eddwaaliro e Mayuge.